# Nnaabagereka alaze obukulu bw'okukuza abaana nga bamanyi ebikwata ku ssente

Bya DICKSON KULUMBA

NNAABAGEREKA Sylvia Nagginda alaze obukulu bw'okukuza abaana nga bamanyi ebikwata ku nsimbi. Nnaabagereka yagambye nti, abaana bwe bakula nga bamanyi ebikwata ku ssente, kibasobozesa okuzikozesa obulungi.

"Abaana baffe twagala bave buto nga bamanyi okukwata ssente, bazikwata batya, bazitereka batya, bakikola batya. Ssente nga bagiwa ekitiibwa okuviira ddala ku ntandikwa, ekolebwa etya ate n'okulaba nti, eggyibwamu etya omugaso okuyita mu kuzisiga," Nnaabagereka bwe yayogedde ku Lwokusatu.

Ekisaakaate kino kibumbujjira ku Hormisdallen P/S e Gayaza mu Kyadondo era Nnaabagereka yalambuziddwa ebintu eby'enjawulo ebikoleddwa n'ebiyigiriziddwa abaana bano.

Bino mulimu ebyobulimi nga Nnaabagereka yatuuse ku lusuku lwe yasimba n'Abasaakaate mu Gatonya wa 2024, Ekisaakaate lwe kyasemba okubeera mu ssomero lino.

Ebirala kwabaddeko ebikolebwa mu kkung'aaniro ly'okumanya omuli okukola engatto, okukola ensawo, eby'obuwangwa bya Buganda ate n'amaka g'Omuganda nga bwe gaabeeranga.

"Nneebaza abagunjunzi nga bakulemberwa Ssaabagunjuzi Dr. Rashid Lukwago ne Nnaabagunjuzi Joanita Kawalya olw'okusomesa abaana ebintu bino byonna mu bbanga ettono. Ate abaana nabo mbeebaza okuteekayo omwoyo. Bangi mujja wano nga mwagala kuddayo waka naye tugenda okumaliriza nga temwagala Kisaakaate kiggwe ," Nnaabagereka bwe yayogedde.

Minisita w'Enkulaakulana